**16th July 2017.**

# OBUNNABBI OBW'ENKOMERERO.

**Danyeri 12.**

Amakya ga leero tutuusibwa ku nkomerero y'ekitabo kyaffe mwe tuzze tusomesebwa bukya mwaka gutandika ku lunaku lwa Mukama ekya Danyeri. Essuula mwe tusembezeddwaayo mu kitabo kino essatu mwe tulabye okwolesebwa kwa Danyeri okwasembayo, era nga bwe tukulabye mu byonna ebimu ebyatuukirira nga bwe byamuweebwa mu byafaayo, nga byonna byagendererwa Mukama eri okutukuzibwa n'okutuukirizibwa kw'abantu ba Mukama mu kubonaabona, ye Danyeri kwe yasooka okuteebereza nti kwaali kukomekkerezebwa oluvannyuma lw'emyaka ensanvu egyalangibwa Yeremiya, era n'affe gye twalaba gyalangwa ne Isaaya. Kyokka ate ne wataba njawulo ya maanyi, era mu mmwaanukula n'okwolesebwa kuno okwasembayo, Mukama n'amulaga bwe guliba eri Isirayiri mu biro byonna okuva mu bufuzi bwa Kabaka Akaswero, okuyita mu Alexander, ne ba Antiyoka bonna, okutuusiza ddala kw'oyo aliggya mu nnaku ez'oluvannyuma, gwe twaalaba omulundi oguwedde aliyitiriza mu kutuntuza ensi yonna okusingira ddala Isirayiri, era mu kweyongerayo mu ssuula 12, malayika Gabulyeri agamba Danyeri mu lnny. 1 nti……….

Kino nno kye kiseera ekiribaawo ekyogerwaako ne Mukama waffe Yesu Kristo mu Matayo 24, okuva ku lnny.15, naye okusinga mu lnny. 21, weyagambira nti "kubanga mu biro ebyo waliba ekibonyoobonyo ekinene, nga tekibangawo kasookedde ensi ebaawo okutuusa leero, era tekiribaawo nate."
Era ky'ekiseera eky'ogerwaako mu bulambukufu mu Kubikkulirwa essuula 12.
Ekiseera ekyo kyayogerwaako ne Musa mu Kyamateeka Olw'okubiri 4:30, ne mu Zakaliya 12:4, nate era ne mu Yeremiya 30…….[Munaasomayo okkakasa ekigambo kya Mukama].
Era Danyeri aweebwa essuubi nti mu biro ebyo Mikayiri omulangira omukulu akuuma Isirayiri aliyimirira okubakuuma okubaawo abalirokolebwa…..lnny1b..

Olunny.2 lugamba nti…..era nga ky'ekimu Yesu kye yayogera mu Yokaana 5:28,29 nti "Temwewuunya ekyo: kubanga ekiseera kijja bonna abali mu ntaana lwe baliwulira eddoboozi lye, ne bavaamu;

abo abaakolanga ebirungi balizuukirira obulamu; n'abo abaakolanga ebitasaana balizuukirira omusango.”
Era ne kiba nti mu kutuukirizibwa kw’ebyo, …..lnny.3 lugamba nti……..
Kyokka Danyeri n’alagirwa nti [lnny.4]……….
Nga kiri nti nga bwe twaalaba bwe gwaali mu biro by’emyaka 400, lwe wataali bunnabbi bwonna, n’okumanyisa kw’ekigambo kya Mukama, ebya Danyeri mwe byasooka okutuukirizibwa, nga baalina kitabo kye okubyekkaliriza, n’era bwe guliba mu biro ebiggya, nti kirisomwa okkakasa entegeka za Mukama, era nga bwe tumanyi nti n’ekitabo ky’Okubikkulirwa kwa Yesu eri Yokaana Omutume kibyoogerako mu bukakafu. Era mu biro ebyo, balisoma ebitabo byombi ng’abasoma amawulire ga Bukedde, beewuunye nga bwe babitegeerera ddala bamanye Mukama Katonda waabwe, Abayudaaya babe n’okukkiriza…..

Bino bya ttuwa ssuubi so ssi tuleetera kutya, wabula ottuwa essuubi.